BULI Lwakusatu, akulira ekitongole ekiwooza emisolo ekya URA ayanukula ebibuuzo byammwe ku nsonga ezitali zimu. Ebibuuzo abyanukula ng'ayita mu lupapula lwo olwa ***Bukedde***. Weereza ekibuuzo kyo ku nsonga yonna ku misolo n'obusuubuzi ku nnamba eno **0701625460** byonna ajja kubyanukula.

# Abategeka ebivvulu balina kusasula misolo gya ngeri ki?



Abadigize nga bali mu kivvulu ekimu.

**Bwe mba njagala okutegeka ekivvulu mu nnaku enkulu, nnina kuwa misolo kika ki?**

Ng'omutegesi w'ebivvulu, sooka weewandiise ku musolo oweebwe TIN. Bw'otegeka ekivvulu, emisolo gino wammanga gye gitunuulirwa:

- Omusolo ku nnyingiza (Income Tax) nga guno guggyibwa ku magoba.
- Omusolo gwa VAT bw'oba ng'oyingiza ensimbi eziwera obukadde 37.5 mu myezi esatu egy'omuddiring'anwa oba obukadde 150 mu mwaka, nga guno guwoozebwa ebitundu 18 ku 100 (18%) ku buli tikiti gy'otunda.
- Omusolo gwa Withholding Tax, tukusuubira okuguggya kw'abo b'oba opatanye nabo okukuwa obuweereza mu kivvulu okugeza abakupangisizza ebidongo, nnannyini kifo, abatimbi, obulango bw'oyisa ku mikutu gy'empuliziganya n'abalala.

**Lwaki kkampuni ezikola ku kuziika abafu teziggyibwako musolo? Baba bataasa ki ng'ate nabo bali mu bizinensi?**

Kkampuni ezikola ku kuwerekera abo Katonda b'ajjuludde zaaweebwa obuweerero ku musolo gw'emmotoka ezitambuza emibiri gy'abagenzi mu kiseera we ziyingizibwa eggwanga, era y'ensonga lwaki ziba n'ennamba emmyuufu (ennamba z'emmotoka ezisonyiyibwa omusolo). Okusinziira ku tteeka ly'omusolo gwa VAT, obuweereza bwa kkampuni ezikola mu kuwerekera abo Katonda b'ajjuludde tebuggyibwako musolo gwa VAT (Exempt). Ensonga lwaki obuweerero buno bwassibwawo, kwe kusikiriza abantu okuyingira obuweereza ekika kino obutaali mu ggwanga. Kyokka kkampuni zino zisasula omusolo ku nnyingiza yaazo (Income Tax).

**Musinziira ku ki okugereka layisinsi za bizinensi kuba osanga omuntu alina bizinensi y'obukadde 20 ne 100 nga basasula layisinsi y'emu.**

Obuvunaanyizibwa bw'okukuwa olukusa w'okolera bizinensi (okugereka layisinsi) bwakwasibwa KCCA mu Kampala ne minisitule ya Gavumenti ezeebitundu ng'eyitira mu munisipaali, disitulikiti ne Town council.

**Lwaki mufuna amawulire okuva ku bantu abatuliraanye ababawa amawulire amakyamu ku bitukwatako ne mutugerekera omusolo mu bukyamu? Ye bwe twekubira enduulu lwaki mulwawo okukitereeza?**

Enkola y'okuwooza omusolo mu ggwanga yeesigamizibwa ku muntu okwebala nga ye olwo n'atwanjulira bizinensi ye bw'ekoze (self-assessment). Bwe kisangibwa nga waliwo amagoba agaafunikawo, aba alina omusolo gw'alina okusasula. Nnannyini bizinensi bwe yeesuulirayo ogwa nnaggamba, ne tufuna okutemezebwako omuntu yenna, tubalirira omusolo ku bizinensi ye nga tuyita mu mateeka, oluvannyuma ne tumusaba asasule omusolo oluusi ogubaamu amagoba n'engassi. Omuntu oyo bw'aba alina okwemulugunya ku musolo ogumugerekeddwa, alina eddembe okwekubira enduulu obutasukka nnaku 45 okuva lw'agerekerwa omuwendo gw'atakkiriziganya nagwo. Kino kikolebwa okuyita ku kibanja kyaffe (web portal), mu akawunti ye eya TIN. Wano, okuddibwamu kusuubirwa mu nnaku 90 oluvannyuma lw'okufuna okusaba kwe.

## BUUZA KAMISONA



Akulira URA, Musinguzi.

**Mwami Rujoki mwebale kukung'aanya musolo, naye temulina ngeri gye musobola kuteeka Gavumenti ku nninga ku bubbi bwa ssente z'omuwi w'omusolo?**

Obuvunaanyizibwa bw'ekitongole kya URA, kwe kukung'aanya omusolo ne guweerezebwa mu ggwanika ly'eggwanga, ensimbi ezo ne zitemwatemwa mu bitongole eby'enjawulo okuyambako okutuukiriza obuvunaanyizibwa obw'enjawulo. Ensimbi zino zirondoolwa Ssaababalirizi wa Gavumenti (Auditor General), nga n'abeenyigira mu kuwuwuttanya ensimbi y'omuwi w'omusolo balondoolwa kaliisoliiso wa Gavumenti (Inspector General of Government).

### Abatunda mu tonninnyira lwaki tuggyibwako empooza?

**Lwaki abakazi abatunda mu tonninnyira ku makubo batuggyako empooza ya buli lunaku mu kifo ky'okutusasuza omwezi?**

Obuvunaanyizibwa bw'okugereka empooza bugwa mu kitongole kya KCCA ne minisitule ya Gavumenti ezeebitundu.

**Nalina amayumba g'abapangisa e Bwaise kyokka ne gagwa olw'amazzi, kyokka nakati bakyangerekera omusolo. Munnyambye mutya?**

Tukusaasidde nnyo olw'enjega eyatuuka ku nnyumba zo. Nkusaba okwatagane ne ofiisi yaffe esangibwa ku Akamwesi Complex ku luguudo lw'e Gayaza. Ojja kulambulwa okukakasa okutuukawo kw'obuzibu buno, oluvannyuma TIN yo eggyibweko omusolo ku nnyingiza eva mu bipangisibwa (Rental Income Tax). Kino bwe kinaakolebwa, tojja kuddamu kufuna bubaka bufaanana butyo.



Afumba mu tonninnyira.

### Lwaki amasomero g'obwannannyini mugaggyako omusolo munene?



**Lwaki amasomero g'obwannannyini mugaggyako omusolo munene ng'ate gatuyamba okutuusa obuweereza ku bantu?**

Amasomero g'obwannannyini, Gavumenti gye buvuddeko yagawa ku buweerero olw'omulimu ettendo gwe gatuusa ku Bannayuganda nga kino kyamala emyaka etaano (okuva mu 2008 okutuuka mu 2013). Obuweerero buno bwabaweebwa olw'ensimbi ze baali batadde mu byenjigiriza ekiseera ekyo. Mu kiseera kino, omusolo omukulu ku masomero gwegwo oguwoozebwa ku nnyingiza yaago (Income Tax). Ebika by'omusolo ebirala tebisasulwa masomero butereevu okugeza omusolo ku musaala gw'abakozi b'essomero, ogwa Withholding Tax nga guno guggyibwa kw'oyo aba atuusizza obuweereza ku ssomero, ng'omuwendo gw'obuweereza gusukka akakadde kamu.

Ijjukira nti Gavumenti yassa n'obuweerero ku bimu ku biyamba mu kusomesa ku nsonga y'omusolo gwa VAT (ku bitundu o ku 100 (0%) n'ekigendererwa ky'okufuna ebikozesebwa bino ku nsimbi ensaamusaamu.